

















Okuzaalibwa kwa Yesu

Ekinyumizibwa okuva mu kigambo kya Katonda, Bayibuli

Bisangibwa mu

Matayo 1-2 Lukka 1-2

"Ekigambo kyo we kiyingira. Kireetawo ekitangaala." Zabbuli 119:130

Yawandiikiddwa Edward Hughes
Ebifaananyi bya M. Maillot

Yavvuunulwa Rev. Fr. Dr. Francis Xavier Mbaziira
Yakozesebwa E. Frischbutter; Sarah S.

Ekinyumizibwa 36 ku 60

**M1914.org**

**Bible for Children, PO Box 3, Winnipeg MB R3C 2G1 Canada**

Olukusa: Okkirizibwa okukoppa oba okufulumya bino, Ebinyumizibwa kasita bitaba bya kutunda.

**Katonda amanyi** nga twakola ebintu ebibi by'ayita EKIBI. Ekibonerezo ky'ekibi, kufa.

**Katonda atwagala** nnyo, kyeyava atuma Omwana we Yesu okufiira ku musaalaba akole ekibonerezo ekyandibadde ekyaffe. **Yesu yaddawo okuba omulamu**, n'addayo mu Ggulu. Kaakano Katonda ayinza okusonyiwa ebibi byaffe.

**Bw'oba ng'oyagala okuva mu bibi byo**, gamba Katonda nti: "Katonda Omwagalwa, nzikiriza nga Yesu yanfiirira era nga kaakano yaddawo okuba omulamu. Nkusaba ojje mu bulamu bwange onsonyiwe ebibi byange, nsobole okuba n'obulamu obuggya kaakano, olwo ndyoke mbeerenga naawe olubeerera. Nnyamba okuba omulamu ku lulwo nga omwana wo. Amiina. Yowanne 3:16

**Somanga Bayibuli onyumyenga ne Katonda buli lunaku.**

Oluganda Luganda







Mariya n'abuuza nga yeewuunya nti: "Kinaabaawo kitya ekyo kuba nga sibeerangako na musajja." Malayika n'ategeeza Mariya nti omwana ajja kuva wa Katonda. Tewajja kubaawo muntu aba kitaawe.
3
Malayika olwo n'abuulira Mariya nti Elizaabeeti muganda we alina omwana mu lubuto mu bukadde bwe. Ekyo nakyo nga kyewuunyo. Bwe waayitawo akabanga Mariya n'akyalira Elizabeeti. Ne batendereza wamu Katonda.
4
Mariya yali ayogerezeddwa okufumbirwa omusajja erinnya lye Yosefu. Yosefu n'anakuwala bwe yamanya nga Mariya alindiridde okuzaala omwana. Yalowooza nti omusajja omulala ye kitaawe w'omwana.
5
Mu kirooto Malayika wa Katonda, n'abuulira Yosefu nti omwana oyo, Mwana wa Katonda. Yosefu yali wa kuyamba ku Mariya okulabirira Yesu.
6
Yosefu yeesiga Katonda, era n'aba muwulize eri Katonda. Era n'akola ebyo amateeka g'eggwanga lye bye galagira.
7
Olw'etteeka eryali likyali empya, Yosefu ne Mariya baagenda mu kabuga k'ewaabwe Beetilehemu, okwewandiisa.
8
Mariya yali anaatera okuzaala Omwana. Kyokka Yosefu teyasobola kubaako w'amufunira kasenge mu nnyumba. Ennyumba
zonna ezisuza abagenyi zaali zijjudde.
9
Oluvannyuma, Yosefu n'afuna akafo mu kiraalo ky'ente. Eyo Omwana Yesu gye yazaalirwa. Nnyina n'amuzazika mu mmanvu ebisolo mwe biriira.
10
Awo okumpi, waaliwo abasumba abaali bakuuma amagana gaabwe. Malayika wa Mukama n'alabika, n'ababuulira amawulire
ageewuunyisa.
11
"Olwa leero mu kibuga kya Dawudi, Omulokozi abazaaliddwa, ye Kristo, Mukama. Mujja kusanga Omwana omuwere
agalamiziddwa mu mmanvu ebisolo mwe biriira."
12
Amangwago, bamalayika abalala bangi ne balabika nga batendereza Katonda, ...
13
... nga bagamba nti "Ekitiibwa kibe eri Katonda mu ggulu ne ku nsi, emirembe gibe mu bantu ab'omutima omulongoofu."
14
Abasumba ne bagenda mu kiraalo ky'ente. Bwe baamala okulaba omwana ne banyumizaako buli gwe baasanga bamalayika bye baayogera ku Yesu.
15
Ennaku amakumi ana nga ziyiseewo Yosefu ne Mariya ne batwala Yesu mu Ssinzizo e Yerusaalemu. Eyo musajja erinnya lye Simewooni n'atendereza Katonda olw'omwana oyo. N'omukadde Anna omuweereza omulala owa Mukama ne yeebaza Katonda.
16
Bombi baamanya nga Yesu Mwana wa Katonda, Omulokozi eyasuubizibwa abantu Yosefu n'awaayo ekitambiro kya bunyonyi bubiri. Kino kye kiweebwayo ekyali kyogerwako mu tteeka lya Katonda nti abaavu kye balina okuleeta nga bazze okwanjula eri Mukama omwana aba azaaliddwa.
17
Oluvannyumako, emmunyeenye eyenjawulo yakulembera Abasajja Abagezi
abaava mu nsi y'ebuvanjuba, n'ebatuusa e Yerusaalemu. Ne babuuza nti: "Kabaka w'Abayudaaya azaalibwa ali ludda wa. Twagala okumussaamu ekitiibwa."
18